# EGGULU N'EMIGOMBE

## BAIBULI EBISOMESA ETYA?

| |
|---|
| Bw'onomala okusoma akapapula ojja kumannya okudiibwamu okw'ebibuuzo binno;<br>1. Eggulu kye ki?<br>2. Emagombe luddawa?<br>3. Okumanya ekituufu ku ggulu n'emagonbe kutuyamba kutya okutegeera entekateka yakatonda eri ensi? |

1. Eggulu kye ki?

Baibuli etubulira ebintu ebikulu ebikwala ku ggulu:

- "*Eggulu lye ggulu lya Mukama, neye ensi yagiwakabaana b'abantu"* (Zabbuli 115:16).
- *"Tolayiranga n'akatono, newakubadde eggulu, kubanga y'entebe ya Katonda"* (Matayo 5:34).
- Yesu Kristo, Omwaana wa Katonda omulamu, *"Yatwalibwa mu ggulu"* naye, alidda ku nsi (Ebikolwa By'Abatume 1:11).

- *"Tewali muntu eyali alinnye mu ggulu"* (Yokaana 3:13).
- *"Dawudi teyalinnya mu ggulu….yafa n'aziiki-n'amalolo ge gali waffe ne kaakano"* (Ebikolwa By'Abatume 2:34, 29).

  Kiki kye tuyalinnya, mu nuyiriri zinno?

  i. Eggulu kifo kya mukama, so, si lya ffe. Mukama tatuyita kugenda mu ggulu, katube nga tufudde oba oluvanyuma.

  ii. Eggulu ntebe ya Katonda. Kituufu abaloudebe *"bal'ibeera bakabaka ne bakabo naye, tulifugica ku nsi"* (Okubikkulirwa 5:10). Ebyo byonna byetumaze okusomako bitukaana ira wamu n'ebyomu Zabbuli 115:10 *"Ensi yagigabira abaana b'abantu".* Nga luli-beera lunaku lukulu nyo nga *"Ensi erijjula okumanya n'ekitiibwa kya Katonda" (*Kaabakuuku 2:14).

  iii. Olw'okubanga eutekateka ya Katonda ey'omumaaso eri omuntu yekuusa ku nsi, tusobola okukitegeera lwaki Yesu yagamba nti: *"Tewali muntu eyali alinnye mu ggulu",* ne lwaki Peteero atubulira nti: *"Dawudi teyali-nnyi mu ggulu".*

Lwaki olowooza uti tugenda mu ggulu bwetumala okufa, ate nga entekateka ya Katonda ey'omumaaso erisi abaddu be ab'amazima egenda kubeera wanno ku nsi? Peteero yabulira Abayudaaya nti, *"Ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga mukama bituuke; naye ottume Yesu Kristo … yasannye okubera mu ggulu okutuusa mu biro eby'okulongoo sezaamu byonna"* (Ebikolwa by'Abatume 3:19-21). Bannaabbi ab'omumirimbe egy'edagaano enkadde bayogera ku bwakabaka bwa Katonda nga bwe bugenda okuzibwa-awo ku nsi. Kinno kigenda kubeerawo nga Yesu akomyewo okuba *"Kabaka wa bakabaka ate Mukama w'abaami"* (Okubikkulirwa 19:16). Okwefananyizako Yesu, na ffe tuyinza okusaba mu bigambo binno nti *"Obwakabaka bwo bujje"* (Matayo 6:10).

2. Emagombe ludda wa?

   'Emagombe' kye kigambo ekikyasinzeyo obuate geerwa mu Baibuli okutwaliza, awamu, ekigambo, kino mu ndagaano enkad ki sigala bwekiti naye mu ndagaano empya, kitegeeza ate n'ekiwonvu ekya kinomu ekiwonvu kinno kiri w'abweru w'ekibugga Yerusaalemi.

   Endowooza eno uti emagombe kifo omu-genda ebakozi, b'ebibi ne bokyebwa n'o-mulini ogutazikira, si kituufu, kubanga Baibuli yo etugamba nti:

   - Omuntu asingayo obulungi (outuufu) neu bantu bonna ababaddewo mu nsi, Yesu Kristo, yagenda emagombe bwe-Yaffa.
   - Yesu yata "emagombe", bwe yazuukira mu baffu.

   Teri kubusabusa mu kinno. Mu kitabo eky'Okubikulirwa 2:26,27, Paulo lajjuliza Zabbuli 16:10 egamba nti:

*"Kubanga tolireka mubiri gwange mu magombe".* Yagamba nti Dawudi yakimanyako nga Katonda *"bwaliyimusa Yesu okumutuuza ka ntebe ye; yayogera ku kuzuukira kwa Kristo"* (Ebikolwa By'Abatume 2:30,31). Kinno kitegeza nti Yesu yava 'emagombe' bwe yazuukizibwa mu bafu.

Yesu teyava mu magombe kyoka naye era agamba nti *"Nze omulama era nnali nfudde, era, laba ndi mulamu emirembe n'emirembe, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'e-by'emagombe".* (Okubikkulirwa 1:18). Lwaki tuba n'ebusumuluzo? Kugulawa nzigi-Yesu atuwa ekifaananyi ekybku-Gulawo enzigi *"Ez'emagombe n'okufa, Bwali zuukiza abafu ng'akomyewo"* (1 Abakkolinso 15:20-23).

Tulina okwebuuza ekibuuzo kino nti wa Yesu gy'eyagenda bwe yaffa.

Tusoma nti *"Yozefu yatwala omulambo gwe (Yesu) … n'aguzika mu ntaana empya"* (Matayo 27:57-60). Emagombe Yesu gy'eyagenda, Zabbuli 16:10 guli amagombe ddala.

Yesu yawangula ekibi n'okufa. Dawudi agamba nti, *"Katonda alinunula emmeeme yango mu maanyi ag'emagombe"* (Zabbuli 49:15). Katonda alizuukiza abale onkuva 'emagombe'.

Lwaliwo ekigambo ekital abantu kye bakozesa obubi nga bagezeeko okutegeeza ng'abantu ababi bwe babonerezebwa n'omu liro oguta zikiva; ekigambo kino: *"Ekiwonvu kya kinomu".* Kino tekitegeeza muliro ogutazikira. Abantu obabi gye babonerezebwa.

3. Okumnya ekituufu ku ggulu n'emagombe kutuyamba katya okutegeeva entekate-ka ya Katonda eri ensi?

Baibuli eyogera ku "ggulu", naye Katonda Talina entegeka naffe kugenda yo.

Bwe tufa nga Yesu tanaba kukomawo tugenda magombe. Kino kyo tekitutiisa bwe tuba nta tuli ba Yesu. Agamba nti: *"Nze kuzuukira n'obulamu"* (Yokaana 11:25). Bw'alidda ku nsi, *"Okufa kumiriddwa mu kuwangula. Agwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Gwe amagombe, okuluma kwo kuli luuyi wa?"* (1 Abakkolinso 15:54, 55). Abatuufu (abalonde) be, balifuna omukisa ogw'obulamu obw'emirembe n'emirembe, ku lunaku lw'emisango (Laba akamu ku bikwata ku binno, akapapula akayitibwa: *"Okuzuukira n'omusango"*).
Katonda yasuubiza okujjuza ensi ekitiibawa Kye. Kino kiviberawo Yesu bwalidda okuleeta obwakabaka bwa Katonda. Alifugira e Yerusaalemi, *"Ekibuga kya kabaka omukulu"* (Matayo 5:35). Mu kiseera ekyo, *"Bakabaka bonna bangavuunamiranga mu maaso ge"* (Zabbuli 72:11); *"Aligabulira*

*amawanga emirimbe"* (Zekkaliya 9:10).
Olibera omu ku balonde ba Yesu? Era nga bo, okyusibwa omulirir gwa, oyambe Yesu mu kusomesa ingeri ya Katonda evi abo, abalala? Kubanga, *"Balikyusa abangi eri obutuukirivu"* (Yokaana 12:3).
Bw'omuwereza Katonda nga bwayagala kati, oligabana ku mulimu ggwe gunno omunene ogw'okubulira mu mulembe ogwo ogujja. Yesu yabulira abagaoberezi be abatuufu uti.
*"Kubanga nze ndi mulamu nammwe muliba balamu"* (Yokaana 14:19).
Obwakabaka bwa Katonda bunatera okutuuka. Mazima, ku lunaku olwo, emikisa egg'omu ggulu gyiriweebwa ensi.